**13th October 2019.**

# OBUTUUKIRIVU TUBWAMBAZIBWA NA KIGAMBO KYA YESU KRISTO.

**Abakkolosaayi 3:12 – 17.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo mu kitundu kye twatandika omulundi oguwedde, mwe twaabuulirwa nti kaakano Omutume Paulo abuulirira ku nkwasaganya y'okuyigirizibwa kwe mu bulamu bw'abakkiriza abakristaayo kubanga kikulu nnyo okuba nga omukristaayo takoma ku kunnyonnyoka kuyigirizibwa kwa kwagala kwa Mukama, n'asobola n'okunnyonnyola, oba kkubuulira kyokka ng'enneeyisa ye yeegaanira ddala ebyo byabuulira, era okukilukira ku mulamwa gwaffe ogw'omulundi ogwaggwa "OKULUUBIRIRA YESU KRISTO NGA BWE TWAMBAZIBWA OBUTUUKIRIVU", leero tusomesebwa lwaki tulina okwambazibwa ne bye tulina okwambazibwa, n'ekyo kye twambazisa ebyambalo byaffe nga ky'ekigambo kya Mukama waffe Yesu Kristo.

Ekikijjayo obulungi kye nnayogera omulundi oguwedde, nti bw'ojja mu kkuŋŋaaniro ly'abakkiriza n'oddayo nga tolina kyoyambaziddwa eri okufaananirizibwa Kristo Yesu, oba toganyuddwa mu kkuŋŋaana kwo okwo.

Kye twaabuulirwa mu lunyiriri 10 nti tulina okwambazibwa omuntu omuggya, nga tufuulibwa abaggya mu kifaananyi ky'oyo eyatutonda, ate ne mu kweyongera okumutegeera. Olwo ffenna tube ne yunifoomu y'endabika ya Kristo Yesu, awatali kwawukanyizibwa oba ono musajja oba mukazi, muganda oba mukiga, mwavu oba mugagga…..ng'olunyiriri 11 bwe lwagamba. Kubanga ffenna tulabika Yesu Kristo, anti  kubanga twafa era n'obulamu bwaffe bukwekeddwa mu Kristo mu Katonda.[ lnny 3].

Kye tuva tubuulirirwa leero nti nga tumaze okweyambulako ebyo ebyatubuulirirwa okweyambulako mu nny 8,9; obusungu, n'ekiruyi, n'ettima, n'okuvvoola, n'okunyumya emboozi ey'ensonyi, okulimbagananga, kubanga tweyambulako omuntu ow'edda n'ebikolwa bye….

N'olw'ekyo…..[ *Okusoma ekitundu*]

Nga bwe twaakyeefaananyiriza engoye z'abafu ng'eza Lazaalo bwe twaakiraba omulundi ogwaggwa, zino zetwambazibwa z'engoye z'ekisa. [So we take off 'graveclothes' and put on 'graceclothes'.]

Kye tusooka okulaba, ng'ensonga lwaki tulina okwambazibwa; Ekisa kya Mukama gye tuli okuba **abalonde** ba Katonda **abatukuvu** era **abaagalwa.** [lnny 12]
Nti mu kisa kye n'okwagala kwe ebingi ennyo gye tuli, nga Yesu Kristo bwe yagamba abayigirizwa be mu Yokaana 15:16 "Si mmwe mwannonda! Wabula Nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera. Olwo buli kye munaasabanga Kitange mu linnya lyange anaakibawanga."
Ate era bwe tugambwa mu Baefeso 1:4,5 "Yatulonda okubeera mu Kristo ng'ensi tennatondebwa, ffe tube batukuvu, abataliiko ky'akunenyezebwa mu maaso ge, olw'okwagala kwe. Olw'okwagala kwe, yatuteekateeka tubeere abaana be mu Yesu Kristo, ng'okusiima kwe bwe kuli."
Ekimu ku bisooka ottuwa ensonga lwaki kitugwaanidde okwambala ebyambalo byaffe.
N'eky'okubiri eky'okuyitibwa abatukuvu be, nga bwe tulaba waggulu, kwe kuba abaawuliddwa gyaali. I Abakk. 6:19,20 "Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibiri gyammwe si gyammwe ku bwammwe? Kubanga mwagulibwa na muwendo, n'olwekyo emibiri gyammwe gigulumizenga Katonda."
I Pet. 2:9,10 "Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n'abayingiza mu butangaavu bwe obutenkanika. Edda temwali ggwanga, naye kaakano muli ggwanga lya Katonda, era mwali temusaasirwa, naye kaakano Katonda abasaasidde."
Mw'ebyo byonna tulaba bwe twaagalwa ennyo Mukama, era mu ttusaasira, yatusonyiwa nga bwe tubuuliddwa waggulu. Ekirala ku nsonga ezitwambaza ebyo bye tulina okwambala etubuulirwa mu lnny. 13b…

Bye tulina okwambazibwa, olukalala lutuweebwa; omwoyo ogusaasira, ekisa, obuwombeefu, obuteefu, obugumiikiriza. okuzibiikirizagananga, okusonyiwagananga. N'okwagala, okusinga ebintu ebirala byonna, kubanga kwe kunyweza ebintu byonna.

Lnny. 15… Mu kuwunzika, atubuulira embeera, etugwaanidde okubaamu, mu ffe, awamu ne Mukama, awamu n'abalala; ey'emirembe…..
Kitugwaanidde okuba n'emirembe mu ffe, ng'oluvannyuma lw'okwenenya bwe tuba tusobezza, n'okuba nga tuli mu buwulize eri Mukama, n'okuba nga tuluubirira mirembe na buli muntu.

Ne kye tubuulirwa mu kumaliriza nga ky'ekyo kye twambazisa ebyambalo byaffe nga ky'ekigambo kya Mukama waffe Yesu Kristo…… [lnny 16….]

Mu Baefeso 5:19,20, Paulo agamba, "Bwe mukuŋŋananga muzimbaganenga mu Zabbuli ne mu nnyimba, ne mu nnyimba ez'Omwoyo nga muyimbira Mukama era nga mumuyimusiza amaloboozi mu mutima gwammwe. Bulijjo mwebazenga Katonda Kitaffe olwa byonna, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo."
Nga bwe kyanzigira ku Sande ewedde, okubakubiriza okutegeezaanga ebigambo by'ennyimba ze tukulemberwaamu mu masinza n'amatendo eri Mukama, kubanga bwe buweereza gye tuli okuzimbagananga mu Yesu Kristo.
Era bwe weetegereza okisanga nga mu bbaluwa ye eri Abaefeso Paulo essira alissa ku kujjuzibwa Mwoyo wa Mukama, ate mu bbaluwa ye eri Abakkolosaayi n'alissa ku kujjuzibwa ekigambo kya Mukama, ng'ekiluubirirwa ky'ekimu – okujjuzibwa Yesu Kristo.
Ky'ava era agamba nti .. lnny 17……

Mu bufunze tulaba Yesu Kristo bwe yeekulungulwaako byonna, nti; Tusonyiwa nga ye bwe yatusonyiwa; Emirembe gye gye girina okufugira mu mitima gyaffe; Ekigambo kye kye tulina okujjuzibwa; Ate endabika yaffe n'obuyinza bwaffe bisinziira mu linnya lye. Olwo lwaaki tetuusikirizibwe kusiima kitiibwa kyatuwadde okuba ababe ne twambazibwa obutuukirivu….